

Minisita Janet Museveni nga bamukwasa ebyava mu bigezo.

# Ekitongole kifulumizza ebyava mu bigezo by'abasawo

Bya SHARON NABASIRYE

EKITONGOLE ekibaga n'okugolola ebigezo by'abasawo n'abo abasoma ebyekuusa ku busawo ekya Uganda Health Professions Assessment Board kifulumizza ebyava mu bigezo by'abasawo.

Omukolo gw'okubifulumya gwabadde mu maka g'obwapulezidenti e Nakasero era nga minisita w'ebyenjigiriza n'emizannyo Janet Kataha Museveni ye yabadde omugenyi omukulu.

Bino bibadde bya mulundi gwakubiri okubifulumya ng'ekitongole kino kye kivunaanyizibwa ku bigezo bino. Bino byatuulwa mu December wa 2025 era abayizi ababituula baali 100,272 okuva mu matendekero 215.

Ssentebe w'ekitongole kino Dr. Alfred Driwale yategeezezza nti, ku bayizi 100,272 abaatuula ebigezo, abayizi 81,230 bakyeyongerayo n'emisomo gyabwe ate 19,042 be baakola eby'akamalirizo.

Ategeezezza nti, nga ekitongole bamalirivu okulaba nga bafulumya abaweereza mu by'obulamu abakugu obulungi era abamalirivu mu mirimu gyabwe ekintu ekigenda okuyamba okusitula wamu n'okukulaakulanya eggwanga.

Ssaabawandiisi w'ekitongole Hellen Mukakarisa Kataratambi yategeezezza nti, abayizi ba satifikeeti baayise okusinga aba dipulooma ng'aba satifikeeti baabadde ebitundu 95.8 ku buli 100 abaayise, 215 (1.6%) baagudde ate 361 (2.6%) tebaatuula okwawukanako n'aba dipulooma 83.2% abayise 724 (13.4%) baagudde ne 184 (3.4%) abataatuula.

Minisita w'ebyenjigiriza n'emizannyo Janet Kataha Museveni yasiimye ekitongole olw'omuwendo gw'abaana ogweyongedde mu busawo wamu n'okukola obulungi mu bigezo.